# OKUTEEKATEEKA EKKUBO LYA MUKAMA



Kaakubibwa Novemba 2014

Aboolugada abaagalwa wamu ne mikwaano,

Ebifanaanyi ebisatu wammanga byasigiibwa wakati mu nnaku 50 ag'okusinza nga tekusirisa ku kyaali kyefananyiriza nga eryaato lya Nnuwa mu Hong Kong Harbor, nga kwatandika ku mayingira ag'embaga ey'amakondeere ku ntandikwa y'omwaka ogwa 2014. Twaali wamu ne ttiimu ya Isireari eyeetaba mu kaseera kano ak'enjawulo wamu n'abasiinza okuva mu China eya wakati, Taiwan, Hong Kong, America wamu n'amawanga amalala. Ebisiige bino byakolebwa nga bya byeddiringana.


Tubiranyiza buli kimu ne kirala wammanga mu ngeri gye byaali bitimbiddwa mu kisenge. Wetegereze enfanaana mu laangi, ensengeka wamu n'entambula. Twatwaala enjiiya yaabyo okubeera nga ey'obunnabbi. Emitwe esatu egirambikiddwa obulungigyagyaayo emigguggu essatu gye twettikka okuyingiza mu ssawa amakumi 50, era nga byakolebwa mu nsengeka nga bwe twagirina mu mitima gyaffe.



- Ekisooka, kwe kuyita kw'obudde wamu n'omusango ogunateera okutuuka ku mawanga gonna;
- Eky'okubiri, obukulu bw'okuwereeza Mukama mu kusinza okumutekeeratekeera ekifo eky'okuberaawo kwe;
- Era ne kisembaayo, ekifo Isireari weyimiridde mu ntekateka za Katonda.

Ekiddirira kwe kugatta awamu okw'ebirowoozo okubiggasaganya wamu n'ebisiige bino, ebyawundibwa okwongera oba okufuunza kw'ekyo kye tuwulira okuva eri Omwoyo wa Katonda. Tusaba nti onoozimbibwa, onoosoomoozebwa wamu n'okuzibwaamu amaanyi okuggata emitima gyammwe wamu ne Baganda bammwe mu Isireari okubikkulirwa kw'ekitiibwa kya Katonda kusobole kujjula ensi era kukulukutire amawanga gonna.

Ku lw'ekitiibwa kye linnya lye
Arni wamu ne Yonit Klein
Emmaus way, Isireari


Lilias Esther
25 Sep 2014.
Your Kingdom Come

## Obudde oba ebiro mwe tuli

Obudde buyise nnyo. Ekizikiza kyeyongeera nga kya muddiringanwa, okuva ku lunaku olumu okuyingira mu lulala. Mukama yatugambye dda nti ebintu bino biteekeeddwa okubaawo era tetulina kubyewuunya. Obubi bwe bujja ng'omuyaga ate n'enzikiza n'egolokoka okubikka ensi yonna, awo ne Mukama lw'agenda kugolokoka ate n'ekitiibwa kye kigenda kulabisibwa. Obubonero ku ggulu wamu ne ku nsi tubulaba era butwetoloode. Mu Matayo 25, okukowoola okwo muttumbi bwe kwawulirwa nga kulanga okutuuka kw'anawasa omugole, obudde bwaali buyise eri abawala embeereera etaano okugula amafuta amalala. Oluvanyuma lw'abakkessi 12 okukomaawo ate abantu ne bekaalakaasa nga bawakanya Ekigambo kya Katonda, Katonda yabagamba nti oluggi okubayingiza mu nsi ensuubiize lwaggalwaawo eri omulembe ogwo. Okumala emyaaka mitono, tubadde tuwulira nti essaawa esembedde ebintu ebimu okugalwaawo ate n'okukyuusibwa emirembe gyonna… era nga mu ngero zino.

## Ekika ky'Olutalo

Mu myaka abbiri agayise, obulalu bwereedde ddala ensi yonna. Ebyayitiibwanga nti bibi era nga n'okukkirizibwa tebikirizibwa kati bifuuse ekitundutundu ku mpisa ezikiriziddwa. Kisuuka ku bantu nti bakemebwa n'obulimba n'ebyetaago by'ensi eno; Abantu ba ssekinoomu wamu n'abakulembeze mu gavumeenti balekulidde kyeere ensonga n'amazima nti endowooza zaabwe zidduggadde, zoonooneese ate ne zikakanyala. Newankubadde nga kino kirabikira mu nsi yonna. Kisinze kulabika nnyo mu ngeri Ensi gye tefiraayo ddala ku mazima agakwaata ku Isireari. Wetuli tutuuse ku kuzuula nti obwetaavu busukka ekirabo oba amafuta oba akabonero ob'ekintu kyonna. Omusana gwa Katonda gwokka gwe gumala okukola ku mutendera ogw'ekika kye kizikiza kino..

## Okusinza n'okubeerawo kwa Katonda

Okusinza kye kikolwa eky'okuteeka obulamu bwaffe ku kyoto. Kwe kwe kweweeraayo ddala eri Katonda awatali kusaba kintu kyonna okuweebwa. Nga Omutume Pawulo bwakirangirira Mu **Abaruumi 12:1**, atandika nga agamba,…. N'olwekyo….muweeyo emibiri gyammwe nga sadaaka ennamu…..' Nolwekyo, mu kwanukulira byonna Katonda byakoze.. si kufunaayo kintu kyonna oba okutuukiriza ekiruubirirwa ekyakaseera.. weweeyo nga ggwe. Kwe kujja eri Katonda, ng'ogamba 'Nzuuno', nga tomusabye kintu kyonna. Mukunnyonnyola okusinza, kye kiseera, ekikolwa, omusinza.. mu ngeri y'okwogera…. 'abulawo' ate natondaawo ekifo Katonda mwasobolera okwegazaanyiza mu bujjuvu. Mu nnonno kino kyangu nnyo, Katonda musana. Waali (oba wabeera), ekizikiza tekisigalawo. Ate n'amaaso agazibibwa omulangira w'ensi eno gajja kuzibuka okulaba Yesu. Teri nkola eya waggulu atenga ekola nnyo okulwanyisa ekizikiza esinga okuteeraawo Katonda

ekifo weyegazanyiza. Mu lutalo lwa Isireari olwasookera ddala n'abameleki mu **Okuva 17**, nga Katonda bwe yalagira Musa okuyimusa emikono gye nga asitudde omuggo gwe. Yali atusomesa essomo ekkulu ery'olutalo.

## Okuyitibwa wamu n'ekifo Isireari mweyimirira

Isireari yatondebwa okutekerawo wamu n'okubeera ekifo Katonda mwabeera. Isireari yali era eyawuliddwa okubeera ekitangaala eri amawanga. Isireari erina okuyitibwa okw'okwegayirira okw'obwakabona ku lw'amawanga. Kye kifo era abantu Yesu wanatuukira. Ku lw'ekigendererwa eky'okukifunza kino, katutunuulire ensonga ey'okubeera ekitangaala eri amamanga ne ki kye kitegeeza. Ekitangaala kisobozesa abantu okulaba, Newankubadde nga amaaso gagasa, awatali kitangaala tuba nga abazibe. Okubeera ekitangaala eri amawanga kisoboka kutegeerebwa nga okuba abayetisse ekintu awava amasanyalaze. Kisobozessa okulaba nga kibeera amaanyi agaletera ekintu ekiziyiza okulaba okugibwaawo. Kisobola okubeera ensulo ey'okubikkulirwa wamu n'okutangazibwa, okuwa okutegeera eri obwongo. Isireari eyitibwa emunye ye liiso lya Mukama; ekigambo eky'olw Ebbulaniya ekitegeeza 'emunye' kyogera ku Isireari eringa munye mu liiso kye ekisobozesa okulaba…. Ekipima ekitangaala ekiyingira mu mubiri. Emunye bweeba tekola bulungi, omuntu tasobola kulaba mu bulambulukufu bwe kintu. Bweba teriwo okutwaliza awamu omubiri guba muzibe. Awatali kigera kino eky'okulaba oba okwawula okw'omwoyo, omubiri tegusobola kwawula bulungi omwoyo okuva ku meeme era negutasobola kutegeka kifo ekyetagisa ekya Katonda Omutukuvu mwasobola okutuula.

## Okuyitibwa n'ekifo amawanga mwe gayimirira

Obulokozi bujjidde amawanga okukwaasa Isireari obujja. Bwe kuba ng'okuganibwa kwa Isireari kwagasa amawanga okulokoka, okukkirizibwa kwaabwe tekubeere kuzuukizibwa okuva mu bafu? Mmwe abakowoola Mukama, temweewa kuwummula okutuusa nga Yerusaalemi kifuuse ettendo mu nsi. Ebirowoozo bino ebiva mu **Abaruumi 11** ne **Isaaya 62** bye bimu ku byawandikiibwa ebitono nga bijjiddwa mu bingi ebinokolaayo okuyitibwa kwa Katonda ku mawanga okufuba okukomyaawo obwakabaka mu neri Isireari. Biyimirira nga ebirungamya okukulu, endaba yo bukodyo ate n'okubikkulirwa okw'ekimemete okw'okuyaayaana kwa Katonda nga ye. Byogera okusukka ku birowoozo ebirowoozo ebirungi era ebisoboka. Abaana ba Isireari basobola okulaba ate n'okusitula omuggo ogw'obuyinza, naye ng'emikono gya Musa bwe gyakoowa, naffe mu Gwanga (lya isiraeri) tetulina busobozi oba amaanyi agatuukiriza okuyitibwa kwaffe ffekka.

## Kika ki ne Kifo ki Olutalo we lusinzirira

Mu ngeri emu oba endala, buli lutalo lulina wa we lusinzirira. Buli ggye eritegekeddwa obulungi libaako abaddumizi (ba kamanda) era n'ekifo eky'obufuzi we baddumira olutalo Tekitwaala kinene okukitegeera wa awali okuwakana okunane wakati w'ekitangaala n'ekizikiza we byolekedde. Setaani atadde essiira ku kwagala 'namulondo' ye mu Yerusaalemi. Ekyo bwe kiba tekimaze, amazima nti Matayo 23:39, leka tutegeere nti Yesu tagenda kudda ng'amaaso ga Isireari teganaba kubbikkukka okumulaba era leka tutegeere nti obwakabaka obw'ekizikiza butadde amaanyi gaabwo okukuumira aba Isireari nga tebalaba. Ekikwaata ku nkolagana y'omuntu ssekinoomu n'empuliziganya ne Katonda, si nsonga wa wetuli oba wetusabira. Naye ekikwaata ku lutalo wakati w'ekitangaala n'ekizikiza, newankubadde nga Katonda ali buli wamu, ekitebe ky'omulabe ekikulu kiri mu Sayuuni.

**Okutuuka ku nsonga eno tutunuulidde essawa mwe tuli….. Twogedde ku kika ky'olutalo…. Tunokkoddeyo enkola etandikirwaako ey'olutalo lwaffe…… tulabye ebibinja ebibiri ebikulu mu maggye ne tulaba obukulu emirimu gya buli kibinja…… era ne twetegereza ekitebe ekikulu omulabe mwasinzirira. Tuteekeddwa okubalirira ku nnyimirira ye ggye lyaffe era n'okunoonya empenda ya Mukama ey'olutalo.**

## Embeera y'omubiri mu Isireari

Nga tutunuulidde amaanyi aga waggulu ag'ekizikiza n'obubi nga byonna bisoose kwolekera Isireari ne Yerusaalemi kiwa okutegeera okulungi okw'embeera ey'omwoyo. Setaani omulimu gwe omukulu kulyoolyooma asobole okwawukanya. Kino kyaviira ddala mu mbeera ey'omwoyo eyava oluvanyuma lw'oyo ensi gwe yabbulwaamu n'eyitibwa Kanani. Erinnya lya muzzukulu wa Nuwa (Kanaani) eyakolimirwa litegeeza kuweebuulwa. Omubiri mu nsi, mu bitundu ne mu ggwanga, gukyalina okutuuka ku kubeera obumu amawanga bwe galina mu kuzimba omunaala gwe Babeeri. Okuva ffe we tutuula(mu Isiraeri), enkola enzijuvu ey'olutalo lwe Gaza olwakabaawo lwanjula ekifanaanyi ekituufu eky'embeera ey'omwoyo ey'Omubiri mu Gwangga. Okufunza kino, tujja kugamba nti eggye lya Isireari lyakangibwa olw'obukugu wamu n'okwewaayo kw'omulabe, nga telyeteekeddeteekedde kika kino eky'olutalo ng'ate telyetegese kusasula mutango okuwangula olutalo luno. Kino kituzaayo mangu eri omwoyo gwa bantu webasokera okuyingira mu nsi wamu n'ensonga lwaaki tebagobamu abaali batula mu nsi bonna okubamalawo nga Mukama bwe yabalagira. Beyisa nga nti Mukama yali abaleeta mu nsi lu lwaabwe, nga teberaba nti bali batumiddwa, ekisooka era ekikulu, okulongoosa ensi ate n'okugimutekeeratekeera Ye. Omwoyo yoomu nendowooza bisigala bikyakola mu mubiri mu nsi, mu nkola ey'ekikalabakalaba naye ng'ate zikola bulungi nnyo, era nga zitulemesezza okusasula omutango okugenda mu buwanvu obwetagisa wamu nokwanukula ekizikiza ekitwolekedde. Twetaaga buyambi!

## Embeera ekkanisa bweyimiridde mu mawanga

Enkolagana oba okubulawo kwengolagana eno okwe kkanisa eri omubiri mu Isireari nako kabonero akatusongera ku nkolagana yaayo ne Katonda? Ne bintu ebirungi ebikolebwa mu Linnya lya Katonda ku lw'ababula, abalumwa, abamenyefu, wakyasigaddewo ebbula eryobumalilivu ery'obuziba ate n'okumanya engeri Katonda gyaaba awuliramu nga Ye, naddala ku kikwaata ku baana ba Ibulaimu, Isaake ne Yakobo. Mu kwetegereza kwaffe nti mu Kkanisa ey'ebunayira, bangi kumpi bebafu, baloota batunula. Okubazukusiriza ddala kiringanga ekisomooza ennyo. Okumala emyaka mingi, ebirabo wamu n'okukwatibwaako okukwatikako bigulumiziddwa waggulu w'embala n'obulamu obwo kw'okwewaayo mu kitundu ekinene eky'abantu mu kkanisa. Kino tetukibuusabuusa nti okugatta ku buzibe bwa Isireari bitadde ekkanisa wala okuva awali omutima gwa Katonda. Ng'ebintu bwe bikolagana wakati w'eby'omwoyo n'ebirabikako, tulaba enkwatagana wakati w'ekkanisa nga tetwaala Isireari ng'ekikulu era n'amaanyi ag'ekizikiza nga biweereddwa 'obuyinza obw'enkizo' okusabukulula geyeena yonna eri okuzikiriza kw'abayudaaya. Nga tutunuulidde okusingira ddala eri obuzibe n'obujeemu obwa Isireari eyedda ate n'embeera eriwo eri ekitundutundu eky'ekkanisa etali ya Bayudaaya, tetulabaawo njawulo nnenne.

## Omuntu omu Omuggya

Nga bwe twakuteko edda ku nkolagana eyayawulibwa Katonda wakati w'Omuyudaaya ne munnamawanga mu Masiya eyogerwaako mu Abaefeso 2:15, Olunyiriri 12 lwogera ku ngeri bannamawanga, abaali ewala ennyo nga batemebwaako ku ndagaano ez'ebisubiizo, kati nabo basikira wamu ku buggagga bwa wamu (komoniwesi) obwa Isireari. **Abaruumi 11:17** Wakwaata ku mutwe guno gwe gumu era negwongerako akatundu ku kutegeera kwaffe; *Naye oba ng'amatabi agamu gaawogolebwako, naawe, eyali omuzeyituuni ogw'omu nsiko, n'osimbibwa mu kifo kyago, ogabane ku bugagga obw'omuzeyituuni; teweenyumiririzanga ku matabi ago. Bw'oba weenyumiriza, jjukira nti si ggwe owanirira ekikolo, naye ekikolo kye kiwanirira ggwe.* Ekisooka, leka tukitegeere bulungi nti Isireari si gwe murandira naye matabi….. nga bannamawanga bwe bali. Wetegereze engeri gye bakisengekamu; Amatabi ag'omu nsiko bagayuunga **mu bbo** era **wamu nabo** bonna bafunamu. Era omuntu bwataba mu bbo oba nga tali awo nabo tebangiyungiddwa mu. Era nga okuyungiibwaamu okusobola okubeera ng'omu, kyandisobose kitya amatabi agedda ag'omunsiko okukwatagana n'obulumi wamu n'okubonabona okwamatabi agaddala? **Tebandibadde nga bakyasigade 'bbo' naye kati bandibadde 'ffe'.**

## Nga bwekyali mu nnaku za Nuwa

***Naye nga bwe kyali mu nnaku za Nuuwa, bwe kityo bwe kiriba mu kujja kw'Omwana w'omuntu. Kuba nga bwe baali ku nnaku ezo ezaasooka nga amataba tegannabaawo, baali nga balya nga banywa, nga bawasa era nga bawayiza, okutuuka ku lunaku Nuuwa lwe yayingira mu lyato, ne batamanya okutuusa amataba lwe gajja, ne gabasaanyaawo bonna; bwe kutyo bwe kuliba okujja kw'Omwana w'omuntu (Matt 24:37-39)***

Kyaali kifanaana kitya mu biseera bya Nuuwa? Okugamba nti kyaali kiseera kya nkyuukakyuuka ey'omuggundu mu byafaayo by'abaana ba bantu kisoboka okuba nga njogedda kitono. Olugero terutegerekeka. Kiringa okugezaako okubaka amazima nti Katonda taliiko ntandikwa. Ndowooza kikulu okukitunuulira n'okusumulula ekirowoozo nga bwe kyaali ebiseera biri nti kiriddamu okubaawo. Birungo ki wamu n'enkola Yesu bye yali agezaako okutusongerako? Tusobola okumulungula amazima nti mu myaka 100 gye kyatwaalira Nuuwa okuzimba eryaato, tewali nomu wabweru wa nyumba ye eyafunayo okulumirizibwa nti amakubo gaabwe gaali gawukana ku makubo g'omutonzi? Bantu bameka wewuunye nti baali balamu mu kiseera ekya mataba? Okusinzira ku kunonyereza, bali nga mu buwumbi bwa bantu. Tuyinza okukyeewuunya nti kino kye kimu kweebyo ku bye yali asongako?

*Mukama n'alaba obubi bw'omuntu nga bungi mu nsi, na buli kufumiitiriza kw'ebirowoozo eby'omu mutima gwe nga kubi kwereere bulijjo. Mukama ne yejjusa kubanga yakola omuntu mu nsi, n'anakuwala mu mutima gwe. Mukama n'ayogera nti, "Ndisangula omuntu gwe nnatonda, okuva mu nsi; okusookera ku muntu, n'ensolo, n'eky'ewalula n'ekibuuka waggulu; nejjusizza kubanga nabikola." Naye Nuuwa n'alaba ekisa mu maaso ga Mukama (Olub 6:5-8)*

Tukikkiriza ddala nti ebigambo bino mazima amatuufu agava ku mutima gw'omutonzi? Oba ganjuluzuddwa gatuyambe okutegeera ensonga eno? Watya nga tubitute nga bwe byawandikibwa…Nti buli kufumintiriza okw'ebirowoozo bye mitima gya bantu *kwali kubi kwereere ate nga buli kaseera kweyongera kuba kubi?* Kino kikwaata ku buwumbi bwa bantu!!! Kisoboka kitya? Mu ngeri endala nti yasimulaawo abatuukirivu.

Okubaawo kwa Katonda ne mbala ye bibaddenga birabika eri bonna okubiraba. Leka tuleme okwanguyiriza okivaako amangu ennyo ekigamba nti omutima gwa Mukama gwanyolwa okutuuka okwejjusa lwaaki yatonda omuntu. **Kitwetagisa okuyimirirako wano okumala edaakiika.** Abeera wabweru wa biseera. Amaanyi enkomerero ku ntandikwa. Yamanya ekiribaawo. Naye ekyawandiikibwa kiringa nti kyamugwaako bugwi nga takimanyi. Kiyinzika okuba ekyo, nti neri Katonda okumanya ekinajja tekyefananyiriza ng'okukirabaako nga kiguddewo? Ani ayinza okutegeera Katonda?!! **Tekitegerekeka nti omuntu omu bwati mu bantu obuwumbi obw'abantu nti ye yalaba ekisa mu maaso ga Katonda…… ne nyumba bokka be bawonawo.** Naye kyekyo bwe kyawandiikibwa.

**Kitukkakkanya okutegeera ekigera, amakulu wamu ne mbala y'obutukuvu bwa Katonda eri okuggwa kuno**. Leka tuleme okukiteka ngekyokubiri okikubaganyako ebirowoozo *'ono Katonda wa ndagaano enkadde'* **Takyuukanga era talikyuuka.** Byayagala ne nkola ze leero bwe biri nga bwe byaali emabega. Bameka abatula nti nti balokoka nga bakkiriza abamanyi Katonda ng'oyo omu eyazikiriza obuwumbi bwa bantu nawonyaawo abantu Munana bboka?

Okuyita mu kwagala kwa Katonda okutapimika wamu n'ekisa kye tebyebuzibwaako, bibeerawo wakati mu nkola ez'obutukuvu bwe. Bamalayika abetooloodde Entebe ye tebakaaba kwagala, kisa, kusaasira n'okuguminkiriza oba ekirala bwe kityo. Bakaaba 'Mutukuvu Mutukuvu Mutukuvu'! Nga tukyatula mangu nnyo nti amakubo ga waggulu nnyo ng'eggulu bwe liri ewala w'ensi. Eky'ennaku nga kya nnaku nnyo, kiringa nti tukyatula mu ngeri ewewukirira

***Kale laba obulungi n'obukambwe bwa Katonda, eri abaagwa, bukambwe; naye eri ggwe bulungi bwa Katonda, bw'onoobeereranga mu bulungi bwe, naye bw'otoobeererenga mu bwo, naawe oliwogolwako*** (Abaruumi 11:22)

Kisoboka okuba nti tetutegedde ngeri ya bukulu bwe? Tukitegeera ki kyatwaala nga okweyongeraanga mu bulungi bwe? Eno nsonga ya bulamu na kufa.Kisoboka okuba nti tetulina ntegeera ntuufu ku wwa wetuli ewala n'obutukuvu bwe? **Tetuli mu kwogera ku nsi… naye twogera ku kibiina ekya bakkiriza.** Mu ndowooza zaffe tusobola okukkiririza ddala nti Yesu ye Masiya. Naye bwe tutatambula nga abakkiriza kye yawandiika nga kikwaata ku ki ekikkirizibwa mu maaso ge, okutegeera kwaffe mu bwongo tejja kututuusa wala.

***Kuba bwe tugenderera okwonoona nga tumaze okuweebwa okutegeera amazima, waba tewakyaliwo ssaddaaka eweebwayo olw'ebibi, wabula okulindirira n'okutya okusalirwa omusango, n'omuliro ogw'amaanyi ogugenda okwokya abalabe. Anyooma amateeka ga Musa afa awatali kusaasirwa olw'abajulirwa ababiri oba basatu, mulowooza mutya, okubonerezebwa oyo kw'alisaanyizibwa kulyenkana wa okusinga okuba okubi eyalinnyiririra ddala Omwana wa Katonda, n'alowooza omusaayi gw'endagaano ogwamutukuza obutaba mutukuvu, n'agirira ekyejo Omwoyo ow'ekisa? Kubanga tumumanyi oyo eyayogera nti, "Nze ndiwoolera eggwanga, Nze ndisasula." Era nate nti, "Mukama yalisalira omusango abantu be." Kigambo kya ntiisa okugwa mu mikono gya Katonda omulamu*** (Abebu 10:26-31)

Ebigambo ebisooka ebyawandiikibwa mu nyiriri Katonda bye yayogera ne Adamu mu Lub 2:16-17 bye bino; ***Mukama Katonda n'alagira omuntu n'amugamba nti, "Buli muti ogw'omu lusuku olyangako nga bw'onooyagalanga; naye omuti ogw'okumanya obulungi n'obubi togulyangako, kubanga olunaku lw'oligulyako lw'olifa."*** Ffe, omubiri gwa bakkiriza mu nsi yonna, gutadde ensonga ku musango gwa Katonda, obukulu bwe wamu n'obutukuvu wansi w'ekyo Ye gyatwebikuliddeko mu Kigambo kye?

Okulabikako kw'omusota kutandika na kibuuzo ekyalabika nga ekitalina kabi eri omukazi: ***'Bw'atyo bwe yayogera Katonda nti, 'Temulyanga ku miti gyonna egy'omu lusuku?'*** Setaani okwogera kwe okwasokeera ddala oba okulangirira;***okufa'temulifa*** kwaggula oluggi eri entegeera eweteddwa eri

Katonda nga bangi mu mubiri gwa Masiya batudde wansi waakwo n’okutuusa leero. Obulimba buno bujjawo obukulu bw’okutya Katonda, ne bukkussa ku kintu ekitamutya oba okumukankanira. Bwe Bwe gaba amazima nti okutya Mukama ye ntandikwa ya magezi (Zab 111:10) we kutali, tetuba na magezi era nga tetulina musingi (Eng 3:19) era okubeera ekifo Katonda mwatula kye twayitibwa okuba tekisoboka kuzimbibwa (Eng 24:3)

## Okusinza



Okusinza kwe kwanukulira okubeerawo kwa Katonda era okubulira enjiri kyekiva mu bulamu bw’okusinza. Waliwo enjuyi bbiri. Makko yawandiika; Awo n'alinnya ku lusozi n'ayita abo be yayagala, ne bajja gy'ali. N'alondamu kkumi n'ababiri okubeeranga awamu naye, era **abatumenga** okubuulira n'okuba n'obuyinza okugobanga emizimu (Makko 3:13-15)

Engeri gye tulafuubanyemu. Engeri gye tugezezaako.Engeri gye tukaabye ku lw'abangi ababula n'abafa basobole okulya ku mugaati ogw'obulamu babe balamu. Wamu ne nnaku ne nyiike ku lw'obuzibe bw'amaaso obuleeta okufa nga bungi bujjuza ensi, bangi mu mubiri gwa Masiya beetamiddwa nga balabika ng'abatakyagasa.

Nga tutunuulidde ebitabo byonna, enkungaana zonna, amasomo gonna, obutambi bwonna, tekinologiya yenna, enkola zonna wamu ne pulogulaamu, ffe… nga twogeredde wamu…… tetunatuuka ku kigera eky'obulamu obw'omwoyo nga ekyalabikira mu bulamu obwaali obwangu obwabakkiriza ab'omu kkanisa eyasooka. Oba olyaawo tunoonyezza ebibala waggulu naye nga tetusoose kulabirira mulandira wansi. Ensonga emu enkulubweti esobola okukola ku kibulawo nga tosobola kukiwaanyisa na magezi, ebikozesebwa, eby'obugagga oba obugagga Katonda byatadde mu mikono

gy'abaana ba Katonda: Okubeerawo kwa Mukama. Y'enkomerero ate ekkubo eritutuusa eri buli ssuubi, ebirooto era n'okuyayaana kwa buli mutima gw'omuntu. Bwe tubeera mu naye ngaali mu ffe, agenda kukola omulimu era alwaane entalo. Ekyaffe kijja kubeera kya kukungaanya munyago okuguteeka mu materekero.

Katonda yatutonda asobole okubeera naffe. Tetwetaaga kumusabiriza okutuukiriza ye byayagala. Bwe tuba nga tetuwulira okubeerawo kwe okulabikako mu bulamu bwaffe, ensonga eyinza okuzuulibwa mu njogera ya Musa ne Katonda mu Kuva 33:3, mu nsi ekulukuta amata n'omubisi gw'enjuki; kubanga nze siririnnya wakati mu mmwe; kubanga oli ggwanga eririna ensingo enkakanyavu, nneme okukuzikiririza mu kkubo. Kisoboka okuba nti okuberawo kwa Katonda olwo kusasira okungi tekutusemberedde kubanga tetusobola kuguminkiriza bbugumu lye? Okwagala tekwawukana na butukuvu bwe. Ye yemuliro ogwokya.

Okukuuma endowoza ey'okusinza kya Kya' bwegendereza nnyo. Okusaba nakwo kulina ekifo kyakwo, naye si kyekyo kye tuyita okusinza okulongoofu. Omutima gwa Mukama kisoboka okubeera nga kye 'kisaawe' ekitafiridwaako (oba ekigayalidwa) mu nsi. Eri ekitundu ekisinga obunene tujja gyali nga tuliko bye tumusaba oba ebirala. Si nti tetwandikikoze, naye twetaaga okujja mu maaso ge tweweeyo bwewi ng'ekiwebwaayo, nga tunoonya ye okwebazibwa. Newankubadde nga okusinza kukolebwa mu ngeri nnyingi, emiziki, okuyimba nga bwekisinga okulowoozebwa ennyo, okusinza nsonga nnyo ya mutima. Ne ssira eryo, ka tutwaale okusinza ng'olutalo olukulu.

Okuyita mu byawandikiibwa, amaggye ga Isiraeri gaakulemberwangamu bayimbi, abasinza oba bakabona abafuuwa amakondeere. Mu Kuva 17: 10-11 tusoma, Yoswa n'akola bwatyo nga Musa bweyamulagira, n'alwana n'Abamaleki; Musa ne Alooni ne Kuli ne balinnya ku ntikko y'olusozi. Awo olwatuuka Musa

bwe yayimusanga omukono gwe, Isiraeri n'agoba; bwe yassanga omukono gwe, Abamaleki ne bagoba. Wano, mu kaseera kano ak’ebyafaayo ak’olutalo olwasookera ddala Isiraeri okulwaana, Katonda yakola olunyiriri oluwangadde ebiseera byonna: Entalo za Mukama. Ekyaffe kyakumwesiga nga tumweteredde mungeri eyobutesigalizza… era nokusingawo wakati mu maaso g’omulabe nga yeswanta, akangakanga ate nga alumba. Ekisumuluzo eky’obuwanguzi mu bifo eby’omubbanga tekiri mu kulumba na kwenyigira (mulutalo) n’omulabe wabula ffe okwenyigira (mu mukwano) ne Katonda. Nga bwe tusemberera okuggalwawo kw’emirembe ate n’okunyigirizibwamu okw’obwa kabaka obw’ekizikiza nga kweyongera, tujja kusobola abalangira ab’emizimu wamu nabafuzi b’ensi. Wajja kubeeraawo ebiseera ng’okubeeraawo kwa Mukama kwokka kwe kunaatuwa obuwanguzi.

Mu bulamu bwa Kabaka Dawudi, tukiraba bulungi obumu wakati w’okusinza n’olutalo. Mutabani wa Yesse yali byombi, omusinza ate nga mulwaanyi. Olulimi olw’ebbulaniya lujulira enkwatagana y'ebintu bino ebibiri. Okuviira ddala ku mulandira ekigambo ekitegeeza olubeereera,’netzach’ nga kiva mu kigambo ekirala ‘menatzeach’(nga nakyo kiva mu lubeerera), ekitegeeza omuduumizi w'abayimba b'ekibiina ate nga muwanguzi.’ Ng’akulira eby’okuyimba ate nga muwanguzi byonna byaali muntu omu,Tulina omusingi ogututangaaza mu byokulwanyisa ate ne ngeri ey’olutalo lwaffe.

Okweyongera okutegeera amaanyi ag’okuyimba n’okusinza okuva mu ndaba eya Baibuli, kikulu okwetegereze nti Setaani nga ‘kerubi abikkakko’ nga ye yennyini yali nsulo ey’ennyimba. Mu ye mwalimu emirere, enkoba, n'ebitaasa. Mu buliwo abasomi bangi bakirowoozezza nga ye, ye yali ‘akulemberamu okusinza’ okw’omuggulu, ng’abikka Entebe n’okusinza. Ekyokubiri ku kigambo,okuyimba kye kintu ekikyasinze amaanyi okukomako ekiri mu mikono gy'omunntu. Emitima gyaffe bwegiyungibwa ku Katonda omusana, Enyimba zaffe zifuuka eby’okulwanyisa namuzisa eri ekizikiza. Nokusingira ddala ennyo, nga tusinza, tuzimba entebe, era Mukama n'atuula mu matendo gaffe. Mu musana gw’ekitiibwa kye, enzikiza edduka.

Entegeera yaffe eyabulijjo erina obuzibu okukwasaganya ebyokuddamu eby’omwoyo eri ebizibu ebirabikako. Okuwamba amasasi nenyiimba kintu kizibu okukyekwatako. Naye ate, ne Katonda bwaatyo taliiko ntandikwa, oba ebintu ebyayogerwa bibeewo. Kyangu, okubeeraawo kwa Mukama bwe kujja gye tuli abalindirira okulabika kwe, emitima gyaffe ne gyanukula n’okusinza n’okumuwa ekitiibwa. Mu maaso g’enzikiza ey’omwoyo egenda okubulawo emirembe gyonna, bwe twanukula nga tumukwatako, tubikka ekizikiza n’omusana, ebirabika ne bibikka ku bitalabika, eby’akaseera akatono kw’ebyo ebibeerera ne tuteekateeka ekifo eky’okubeerawo kwa Katonda.

# Aliyah Ennene ey'abannamawanga

Abakkiriza bangi beyunga ku Isiraeri bamanyi nti 'okukola aliya' kigambo kya lwe Bbulaniya ekinyonnyola okukomawo kw'abantu mu Isiraeri. Okuzzaawo kw'eggwanga n'okukomawo kw'abantu mu nsi ey'abakitaabwe kintu kikulu nnyo ate nga kiri mu musingi mu kuteekerateekera okudda kwa Mukama. Eno nsonga nnene nnyo. Okutuukirizibwa kw'ekisuubizo kya Katonda kwe kuddamu okukungaanya abo abaasasaana abasiimbe mu nsi wakati mu nkulungo y'ekitiibwa kye ne mbala ye ng'ebikkulwa eri ensi. Mu kulabikako okwebyo ebigendamumaso munsi yonna ogw'okweyongera okw'obukyayi obwa bayudaya nekyo ekijja, okuyita kuno okwa aliya kwetisse obwangu obulimu obulamu n'okufa.

Mu ngeri endala, ekigambo 'aliya' kiggyibwa mu kikolwa ekitegeeza 'okwambuka waggulu…okugenda waggulu'. Kisooka kulabika mu Lub 2:6 nga kyogera kulufu olwambuka okuva ku maaso g'ensi. Kiddamu okulabikira mu byawandiikibwa mu Lub 8:20; Nuuwa… ebiwebwaayo ebyokebwa ku kyoto.
'

Ebigambo awo ebyogera ku kuwaayo oba ebiwebwaayo biggyibwa mu mulandira gwe gumu… okwambuka waggulu. Ekigambo ky'olwebbulaniya mu byawandiikibwa okutegeeza ekiwebwaayo ekyokebwa kye 'olah' nga bwe kiba nga kikozesebwa ku mukazi. Okusukka ku kubeera erinnya obunnya, kinyonnyola ekyo ekibaawo eri ekiba kiweereddwaayo eri Mukama ku kyoto. Ng'omuliro ku kyoto bwe gukomba ekiwebwaayo, evvumbe ne lyambuka eri Mukama…. enkomerero ebeera 'olah'. Mu Isiraeri, Omukazi adda okommawo mu gwanga lya naye ayitibwa olah. Mu nnaku zaffe ezasooka mu gwanga lya Isiraeri, okulaba embera yaffe nga tugigeraageranya nga saddaaka kyatuwa enseko. Nga tekyegaanika, kino ekyokukomawo mu Isiraeri, okusingira ddala omuntu omukulu yemu ku kumalibwawo omuliro gwa Katonda.

Okuva ku ntandikwa lye ggwanga, nga kwayogerwa Katonda mu kusumululwa kwaffe okuva mu busibe bwe Misiri, ensonga enkulu ey'okuyitibwa kwaffe nga abantu yali ya kusinza. Newankubadde nga Katonda ayogera nnyo nti engiri, emikisa n'ebikolimo, wamu n'okubikkulwa okw'ekitiibwa nga bisokera ku Bayudaaya, tusobola okugamba nti ku lw'abaana ba Isiraeri okutuukiriza okuyitibwa kwaabwe kigenda kusumulula omukisa eri ensi yonna. Emyaka Ebbiri nga tetunaba kukomawo mu Isiraeri (kwali mu 1992), Katonda yakintekaako nze(Arni) nti yayagala ensi ejjule abantu abamutendereza ku lw'okukomawo kwe. Kino kiringa eky'ekubiira, naye okumanya embala Ye, tumanya nti teyeyagaliza yekka nga Ye. Okufuna kino okuva eri Mukama kyasimba mu ffe omugugu nokuyitibwa okumuteekerawo ekifo Ye mwatuula. Ebigambo bya Dawudi ebyawandiikibwa mu Zabbuli 132:3-5 kiraga okuyayaana okw'ebuziba okw'omutima gw'omusinza: Ssiriyingira mu nnyumba yange, wadde okugenda mu kitanda kyange; **Ssirikkiriza tulo kunkwata, Newankubadde okuzibiriza amaaso gange, Okutuusa lwe ndimulabira Mukama ekifo, Eweema ey'Omuzira wa Yakobo.**

Nga tuweereddwa ki ekinava mu Abayudaaya okukomawo mu nsi (yo bujaja bwabwe) ate n'ensi okujjuzibwa okusinza, tusobola okikakasa ntino amaanyi ag'ekizikiza nga tegagenda kukola kyonna ekisoboka okuziyiza biino bokubawo yonna mu kufuba kwaago okulemesa bino okutuukirira. Nga tweyuunze ku kutegeera amakulu aga Aliyah nga bwekweyyunze n'okusinza, kati twagala okutwaala ebintu ku ddaala eddala. Ng'omwana avira ddala mu ntumbwe za Ibulayimu, Isaaka ne Yakobo, okukola Aliya kitegeeza kwewaayo okubeera mu makkati g'omuliro mu Sayuuni. Ekikwaata ku mukkiriza munnaggwanga….. omwana ow'omwoyo owa Ibulayimu….. tugenda kwogera ku Aliya ng'okwambuka mu nsi nga ssaddaaka ennamu okusinza, ngatewali kyetwenoonyeza. Si kulaba nsi (Okulamagga) nga bwefanana…. Si kulaba bantu bamwo….. si kufuna nsisinkano y'omwoyo…… si nakunoonya kusisinkana Katonda… naye ngassaddaaka….. nga tufunye byonna era nga tunoonya okwewaayo kyokka eri Mukama ku lw'ekyo ekinaamusanyusa mu kiseera.

Mu **Zakaliya 3, Isaaya 40, Isaaya 62** wamu ne **Abaruumi 11**(okunokolayo ebitono mu bingi eby'okulabirako), Omwoyo ayita abakkiriza bannamawanga okuweereza er'awamu n'okuteekerateekera ekkubo eri abaana ba Isiraeri. Nga bannamawanga mu Yesu bwe bayungibwa ku muzzabbibu ogw'amazima nga bonna bagabana obugagga wamu ne Isiraeri, begatta wamu ng'eggwanga lya (Israeri). Nolwekyo waliwo enkwatagana eyanamaddala wakati waabo abakola Aliya ey'omwoyo wamu naabo abakola erabikako. Abaagalwa, ekikolebwa mu mwoyo kirina kye kikola ku birabikako. Mu ngeri endala bannamawanga abajja okusinza balina omulimu munene okuggulirawo ekkubo Abayudaaya okudda eka. Byonna nga tebikwataganye byetagisa okuteekateeka ku lw'okukomawo kwa Yesu. Kifanaanyi kyangu okukifumintirizaako. Okuyita mu kusinza enkwatagana eggulwawo wakati w'eggulu n'ensi. Omusana gwa Mukama gusasaanya oba gusindikiriza ekizikiza okudda enyuma ekyo ekinoonya okuziyiza okukomawo okw'obuliwo ate n'obulokozi obw'omwoyo okw'aBayudaaya.

kyenkanawa ng'omubiri gwa Kristo mu nsi ya (Isiraeri) bwe gyandibadde ab'omwoyo era abewaddeyo ngakwogasse ebinyigiriza n'ebyetaago eby'obulamu obwa bulijjo, tetulisobola kukuumira 'mikono gyaffe' nga giwanikiddwa eri Mukama buli kaseera. Naye mmwe ababeera mu mawanga gammwe kisoboka mmwe okwewaayo kikumi ku kikumi okuweereza eri Katonda bwe mujja okumala nga wiiki bbiri oba satu, nga mulese obulamu bwammwe obwa bulijjo emabega. Eno nkola nnyangu ate etegerekeka. Singa omubiri mu mawanga gwategeera ennonno ate negutegeera bulungi ffe okubeera omuntu omu omuggya, nga kyandibadde kyangu ffe okubeera ne bibinja by'abasinza abewereddeyo ddala mu nsi ekiseera kyonna. Tuluubirira okulaba ekinene.Tusaba era nga tukkiriza ku lw'okuggula amayumba okusuza ebibinja bino, emmotoka okubatambuza okubatwala n'okubazza kisigale nga okubezaawo ebibinja, okubagulira tiketi z'ennyonyi, emmere eya bulijjo, ate n'amafuta. Twandyagadde abo abajja obutawugulwa, obuteeraliikirira ate n'okujjuzibwa okweweerayo ddala ebiseera nga bali wano.

Emyaka egiyise enkumi ne nkumi ez'abakkiriza bannamawanga bazze mu nsi okuweereza mu nsi mu ngeri nnyingi. Mu ngeri ezimu ez'enjawulo kisoboka bannamawanga okuweebwa obutuuze okusigala mu ggwanga.(okutwaaliza awamu, bokka bazzukulu ba Bayudaaya nga balina wakiri jjajja omu nga muyudaaya be balina enkizo okuweebwa obutuuze). Abamu bajjako kaseera nga balina visa nga za kusoma, abalala bakolera ebitongole ne baweebwa visa nga abakozi bannakyewa nga zituuka nga ne ku myaka 5). Bangi bajja ku visa ng'abalambuzi nga balina visa za myezi 3 ezibasuubirwa okufuluma eggwanga okuzzizza obuggya. Mu ngeri zino zonna, newankubadde nga abantu basobola okubeera mu nsi, balina ebintu eby'obulamu obwa bulijjo okufaako ate ng'ebiriwo bitono. Mu ngeri eya bulijjo ey'ekibinja, teri kintu kye bayita Aliya nga ya bannamawanga. Naye nga baweereddwa okwanjulwa n'entegeera gye tugabanye, tulangirira nti ekiriwo Aliya ya Bannamawanga nga bava mu mawanga,era nga kigenda kkola kinene okujjuza ensi n'okubeerawo kwa Katonda.

## Okubeera Sekinoomu ne Katonda Mulukungana (ngaboluganda)

Mu 1985, Omwoyo Omutukuvu yatuwa obubaka bwe twali tetusuubira. Obudde wamu n'amaanyi abakkiriza bye batadde mu bwakabaka, awulira nga ye tafiiriddwaako. Kyali tekikola makulu nti atwagala tulekeraawo okukola oba nti omulimu tegwali gwa makulu nnyo gyali. Naye waliwo ekyali kibulamu; Kyali kikwaata ku ngeri Katonda gye yali awuliramu nga ye. Mu 1989, mu lutuula olw'abaweereza ab'ebitundu, abasajja bana nabo ngabaali bafunye okubikkulirwa kwe kumu baakwatagana. Ffenna twalina okuyayaana okwokwebaza obwebaza Katonda mu ngeri ennyangu. Okusukka kukulangirira omukwano gwaffe, okwebaza wamu n'okusiima, twayagala nnyo okukoma ku mutima ggwe. so twatandikira mu kumubuuza engeri gyetusobolamu okumuteerawo omwaganya mwanegazaanyiza. Twalowooza ku ki ekyali kisobola okuwa obudde embala eyobutagwawo, Omwoyo yatulaga ebintu bye twakola nga tebikwatagana na kkubo lye wamu ne mbalaye bye twaali tetumanyi. Twamaliriza nga tufunye okutegeera wamun'okubikkulirwa ebyatufuukira okulungamya akaseera ke twamala awamu. Okumala emyezi mukaaga, omulundi gumu mu wiiki twamala esaawa nga ttaano nga tukunganye wamu, ffena naye ngatubeera bulyomu ssekinomu ne Katonda. Ekyabaawo kyewunyisa. Buli kaseera wiiki nga abiri mu mukaaga ezeddiringana, Omwoyo Omutukuvu yatukyalira mungeri ekwatikako nga tosobola na kweseetula oba okwogera. Twatuuka okutegeera nti Katonda okutukyalira engeri gye yatukyaliramu yava kw'ebyo byetwaali tetukoze okusinga kwe bye twaali tukoze. Wammanga waliwo ebirowoozo n'ebyatulungamya mu nnaku ezo;

**Bwaaba Katonda abadde mu kisenge nga mwali nga tumulabako na maaso ag'obuntu,**

- Amagezi gonna gandibadde ku Ye
- Tewandibaddewo kwogerezeganya na bantu
- Tewandibaddewo agamba munne ku ki ekyokukola
- Tewaliiwo eyandibadde asabira omulala
- Tewaliiwo yandisitusse nagamba 'Mukama webale' kubeera naffe
- Tewandibaddewo ayimuka nagamba 'Bannange Mukama yeewunyisa'e
- Teri yandiyimbye ku Katonda
- Bwe tubera ssekinoomu ffekka ne Katonda
- Ayagala okusoma ekyawandiikibwa, tasomerako olunyiriri ne suula
- Bwe twagala okuyimba…. Tuyimba buyimbi
- Tuli ba ddembe okukola buli kye tuwulira okukola;
- Si kaseera 'kaakusirika' … naye okusirika tekulina buzibu
- Tetwogera Ku Katonda, twogera eri Ye yekka
-

**Mu butaggwaawo**

- Tewakyali byetaago okusabira….byonna byaggwa
- Teri kye twetaaga kusaba;
- Embeera eringa ennyanja ey'endabirwamu mu maaso ga Namulondo (ya Katonda)
- Teri kuwulira nti ffe ne Katonda twawukanye

**Okusinza mu Mwoyo ne mu mazima**

- Okusinza kwe kwanukula ekyo kyali ne ki kyamaze okukola
- Si kye tukola nga tulina kye twagala okufuna
- Katonda  tetulina kye tumusubira ko
- Tukkiriza nti byonna abituwadde
- Tuwulizaganya  naye okuva mu kifo eky'obujjuvu
- Twewaayo…. Si ng'ekirabo…si nga saala… si nga kintu
- Wetuli ku lwekyo ye kyayagala… okutukozesa, okwogera naffe… oba obuta;
- Tuli nga ssaddaaka ennamu (Bar 12:1-2)
- Tuyiirwa oba tweyiwa …  n'okweyonoonera obwerere(Mat 26:6-13)
- Akaseera makulu nyo….. n'okusingawo… ne bwewatabaawo kibaawo

**Tujja eri Mukama nga tetulina**

- Byetaago… kyetulubirira (tutandikira wa tumalira wa)  ebyokusaba…bibuuzo... byetusubirayo.. nti ono yakulembera
- Tujja nga baluganda era nga bannyinaze ne kitaffe

## Engeri  eyokubera bwetuti ejja

- Kuwa Katonda wa 'wakkira'
- Okwongeza omukwano gwaffe ogw'ekimemete ne Katonda ate ne banaffe
- Kukyusa embeera ey'omwoyo
- Ezimba obwerufu ate n'obwesigwa mu mubiri
- Okututendeka okuwulira eri ate n'okuwulira Mukama

**Ensonga enkulu mu bulamu bwa Kabaka Dawudi** yali lwe yakomyawo sanduuko ye ndagaano e Yerusaalemi. Engeri gye yayolesaamu okusinza kwe mu kaseera ako, okuzina kwe okusingira ddala kyakulabirako eky'okusinza okw'amazima. Mu kiseera ekyo, wakati mu ggwanga lyonna, yali yekka ne Katonda we. **Okubeera sekinoomu ne Katonda mu makati ga balala kizimba atekitukakasa mu ngeri ey'enjawulo.**

Omwoyo Omutukuvu bweyasokerwa okuyiibwa ku Shavout, embeera za mirundi ebiri zaliwo. Baali balindirira nga tebalina nteekateeka nti obabata ndikira ku ki, bamalira ku ki, baatuuka ku ddaala ery'okubeera ne meeme emu n'omutima gumu. Nzikiriza tusobola okukwasaganya ebintu bino nga abanyonnyola embeera eyetagisa okuberawo kwa Katonda okusumululwa mu bulamba mu massekati gaffe.Abayigirizwa baalagirwa okulinda 'okutuusa'. Waaliwo ekintu ekyali kigenda okubaawo nga tebakibuusabuusa nti kye babadde balindiririra. Okwewaayo okulindirira nga tewali wetutandikira oba tumalira wa, nga tetulina nteekateeka oba pulogulaamu nga teri nti ono yakulembera nga n'okumanya tetumanyi kinatwaala bbanga ki era nga kitundutundu okuteekerateekera Mukama ekkubo. Eri abangi ku ffe,tekisobokerako ddala okukikola obulamu nga bwebuyimiridde okulindirira okutuuusa. Naye ekintu ekikulu mu nnonno esoboka okutuukibwako. Baali bamaze ennaku kkumi okutuuka ku ddaala nga buli muntu mwerufu eri munne era buli omu nakitegeera. Teri yalinayo kye yali akweese mu mutima ggwe eri munne. Nga taata akissaako omutima abaana be okwessaamu ekitiibwa! Okubeerawo kwa Mukama tekusobola kutuula nga ffe 'abaana be tetwaagalana, tetweewa kitiibwa ate nga tetufuna okuva buli omu okuva ku ntobo y'omutima gwa munne. Ob'olyawo singa tuyiga okuggula emitima gyaffe eri abatono, tunasobola okugiggulira abangi.

**Tetwetaagagayo kabonero nga ka njawulo** okumanya nti ensi enetera okuyita mu nkyukakyuka nga ya muggundu…. Kati okusnga gye bujja. Ekijja kigenda kuba kya njawulo ku ekyo kye tumanyidde. Kirabika nga eky'amakulu oba ekisoboka nti okweyongera okukola kye tubadde tukola kinatuteekateeka ku lw'ennaku ezijja mu maaso? Nnabbi Danyeri yayogera ku bizibu, n'ebibonyobonyo eby'obudde bwe tunaatera okuyingira nagamba; Alikozesa ebigambo ebisendasenda, okukyamiza ddala abo abaleka endagaano. Naye abantu abamanyi Katonda waabwe baliba n'amaanyi, baliguma ne beerwanako (Danyeri 11:32)

# ISIRAERI



Mukama yawa Petero ebisumuluzo by'obwakabaka. Mu nnyumba ya Katonda mulimu ebisenge bingi. Okwogera mu kirabikako, buli kisenge kiriko oluggi ate n'ekisumuluzo. Ekifo Isiraeri kyeyimiriramu wamu n'Abayudaaya mu ntekatee ka ya Katonda ejjudde kisumuluzo eri oluggi olw'ekisenge ekyamakulu , bwe kitaba ogumu ku mulyango gw'ennyumba. Lubereberye 12:3, ewandiika

okulangirira okw’obunnabbi okwekitundu ekinene. Katonda agamba Ibulayimu; **"nange naabawanga omukisa abanaakusabiranga ggwe omukisa, n'oyo anaakukolimiranga naamukolimiranga nze; ne mu ggwe ebika byonna eby'omu nsi mwe biriweerwa omukisa.”** Bwe tuba nga ffe abali mu mubiri gwa Kristo tetutegedde mutima gwa Katonda eri Isiraeri ate ne wa weyasimbibwa, newankubadde bano Katonda abayita abantu be mutabani we (Okuva 4:22-23), naffe tettubere wansi wa kikolimo kino?

Yesu yagamba nti yajjirira balwadde. Bwe yalinga tanajja, abantu baalina okusooka okutegeera obwetaavu bwaabwe. Pawulo awandiikira Abaruumi mu, Bar 3:20; Kubanga olw'ebikolwa by'amateeka alina omubiri yenna taliweebwa butuukirivu mu maaso ge, kubanga amateeka ge gamanyisa ekibi. Katonda yanoonya omuntu..abantu… asobole okubawa amateeka ne biragiro bye ebituukirivu awamu n’okubabikkulira obutukuvu bwe. Katonda nazuula Ibulayimu, omusajja gwayita muganzi we (Is 41:8), naawa Tolati (okusomesa kwe bitabo ebitano ebisoka mu Bayibulu) eri bazzukulu be. Omukisa guno eri abaana ba Isiraeri kyabatwaala okusasulira omutango munene. Pawulo awandiika, ‘Kubanga amateeka galeeta obusungu; naye awatali mateeka, era tewabaawo kwonoona’ (Bar 4:15). Ate, Bar 7:9, Pawulo agamba; Nange edda nnabanga mulamu awatali mateeka, naye ekiragiro bwe kyajja, okwonoona ne kuzuukira, nange ne nfa. Kati omuntu asobola okugamba mubutuufu nti nga abafuuna amateeka ga Katonda, Isiraeri yabonaabona omusango gwa mateeka, ku lw’ensi endala Zonna, mungeri emu ku ndala Okusobola okutuukiriza entekateeka ya Taata okuteekerateekera Masiya ekkubo. Bonna abaana abaava mu Ibrahimu Yisaka ne Yacobo mu Baibuli beetisse obuzito bw’okuyitibwa okwabateekebwako Katonda. Ekiva mu kino, omuntu asobola okubasuubira okujjuza ekifo ekikulu mu mutima gwe.

Abayudaaya tebabadde bubezi mukutu Amateeka ga Katonda kyokka wamu n’omwana gw’endiga mwe yayitira, naye bbo (Abayudaya) okumutegera kisumuluzo kikulu nga kikoma ku kudda kwe. Yesu yayogera mu Yerusaalemi nga agamba; Kubanga mbagamba nti Okusooka leero temulindabako n'akatono, okutuusa lwe mulyogera nti Aweebwe omukisa oyo ajja mu linnya lya Mukama (Mat 23:39). Kulwekyo, setaani ajja kukola kyonna kyasobola okuziyiza Isiraeri okumanya amazima ga Yesu. Era awo, amaggye agasinga okubeera amabi gajja kusimbibwa mu kifo ekimuleetako ennyo obulabe. Kisoboka okuba nti waliwo abaamasaza ab’ebitundu waggulu wo bwengula bwe gwanga lya Isiraeri ng’emirimu gyago wamu n’okukola nga bya nsi yonna? Pawulo ob'olyawo yali asonga ku kino nga agamba nti, okusembezebwa kwabwe kutegeeza ki, okuggyako obulamu okuva mu bafu? (Bar 11:15). Katonda yakozesa Isiraeri ng’akanyeebwa akaleetera okuzikirira kw’amaggye ga Falawo mu nnyanja emyuufu. Abaisiraeri bazeemu okukozesebwa mu ngeri yeemu natte? Bwe kiba bwe kityo, abasigadde mu bakkiriza bandyanukulidde batya, si kuwanirira mikono gyabwe?

Okutwaliza awamu, ensonga ya Isiraeri ekwata ku kitiibwa kya Katonda, Erinnya lye, Obukulu bwe, entiisa ye,Empenda oba Obukodyo bwe ne amateeka (protokoli) ge. Katonda tasosola mu bantu era nga asingaawo nnyo okwagala buli muntu ng' ekitonde kye ekyomuwendo. Naye ekikwata ku Isiraeri, baliko okuyitibwa okutali kwa bulijjo wamu n'amagenda ag'okutuukiriza ku lwamazima ga Katonda.

*Kubanga njogera nti Kristo yali muweereza w'abakomole olw'amazima ga Katonda, okunyweza ebyasuubizibwa eri bajjajja, era ab'amawanga balyoke bawenga Katonda ekitiibwa olw'okusaasira…."* (Bar15:8-9)

**Okusobola okutambula awamu, tekyetagisa nti kukkiriza buli kimu eky'enzikiriza. Naye ate waliwo, ebyawandiikibwa bingiko ebikwata ku mutwe ogwa Isiraeri wamu n'okusinza byetutwala ng'eby'omusingi mu mumugaso .**

**Oluberyeberye 12:3**
Newankubadde nga kino ekyawandiikibwa kimanyiddwa, entegeerwa yaakyo ejjudde esobola kufunibwa mu kiwandiiko mu lwebbulaniya. Enzivuunula zisoma… 'naakolimira oyo akukolimira'. Ekikiggyayo obulungi mu byawandiikibwa by'olwebbulaniya kitegeza ,' oyo akunyooma nakuyisamu amaso, nja kumukolimira mu bukawu bbungi nnyo.' Kino kitussussa ku kwogera obubi, okwagaliza obubi eri omulala oba okumukolimirira ddala, okukitegeera kye kitegeeza mu lwebbulaniya okwongerwamu okuziyiza omukisa oba ekitiibwa kyonna, oba okumanyibwa okwandisaanye okuweebwa. Tukitegeere nti ffe bwe tutassa kitiibwa mu BaIsaraeri netubanyooma ngatetubasamu kitibwa nga Katonda bweyandikoze kisobola okutuviiramu ekikolimo ekikambwe. Amazima nti bangi ku baatula nti bakristaayo mu nsi yonna oba tebakimanyabumanya oba bakiziyiza kyanditegeeza nti mu ngeri yeemu ekikolimo kyandibawummulirako. Omusaayi gwa Masiya tegutukuuma eri ebyo ebiva mubutatambulira mu makubo ga Mukama….agatakyuuka ng'embalaye.

**Matayo 25:31-46**
Tutuuse okutegeera nti abo Yesu bayogerako nga 'abatono ku baganda be' aba ategeeza baganda be ab'omusaayi, Abayudaaya. Amakulu nge ndaba eno gewunyisa. Engeri (banno bayogera nabbo mu lugero) bwe bayisaamu bagandabe yeyasalawo amagenda gabbwe agolubeerera. Ka tubiyitemu, Yesu ayawula abantu bonna mu bibinja bibiri…. Abalamu mu mwoyo wamu n'abafu mu mwoyo….. ababe n'abatali. Abaawula ng'omuntu bwayawula endiga mu mbuzi…… omu kw'omu…. Sikusinziira ku nnyumba zaabwe, ebibinja oba amawanga. Ayogera gye bali ku kibinja ekirala mu ngeri okulaga nti baganda tebabaliddwa mw'abo bayogenabo. Mu kwogera neeri 'abalokoka' ayogera ku kibinja kiri ekirala nga baganda bange….. so si baganda bammwe oba baganda baffe. Singa baali abol'uganda ab'omwoyo kigoberera nti bandigudde mu kibinja eky'abalokoka nakozesa erinnya eddala okubayita. Naye okutwaliza awamu tukiwunzika nti ekigambo ekyavvuunulwa nga 'baganda bange', kisobola okutegeeza ab'omusaayi oba ab'omwoyo, kino

(baganda bange) yalli ategeeza baganda be ab'omubiri n'omusaayi. Okutegeera obulungi olugero luno lujja kukoma ku ngeri gye tulabamu obukulu bwa Isiraeri mu ntekateeka ya Katonda.

**Matayo 23:39**

*….Kubanga mbagamba nti Okusooka leero temulindabako n'akatono, okutuusa lwe mulyogera nti Aweebwe omukisa oyo ajja mu linnya lya Mukama."*

Olugero luno kitegereebwa nnyo okutegeeza nti okudda kwa Mukama waffe tekugenda kubaawo okutuusa ng'amaaso agabasinga obungi ag'abaana ba Isiraeri gazibuse okukitegeera nti Yesu ye Masiya… ye Mwana wa Katonda.

**Abaruumi 11:11**

*Kale njogera nti Kyebaava beesittala balyoke bagwe? Kitalo: naye olw'ok wonoona kwabwe obulokozi kyebwava bujja eri ab'amawanga, okubakwa sa obuggya.*

Mu ngeri endala, Ekigenderewa kya Katonda ekisooka oba ensonga esooka okufuula bannamawanga abakuumi b'okubikkulirwa okw'obulokozi nti bakwase Abayudaaya obuggya. Kirungi naye ekirala okukubaganya ebirowoozo ku ki ekyandibakwasizza obuggya. Ku lw'okukubaganya ebirowoozo kuno, essira ku kino twandiritadde wa ensonga eno weeri oba bweteri ku lukalala lw'ebikulu eby'abakkiriza mu mawanga.

**Abaruumi 11:15**

*Kuba oba ng'okugaanibwa kwabwe kutegeeza kutabaganya ensi, okusembezebwa kwabwe kutegeeza ki, okuggyako obulamu okuva mu bafu?*

Okumanya nti okuzibuka kwa maaso gaabana ba Isiraeri kijja kukoleeza akabiriti ko muliruro ogumumalirawo ddala, setaani tewali kyajja kulemesa okukiziyiza okubaawo. Kitegeerekeka n'olwekyo nti amaanyi ag'obwakabaka bw'ekizikiza geweze okukiziyiza okubeerawo. Isiraeri okutegeera Yesu kikulu nnyo mu kusumulula ekitiibwa kya Katonda mu nsi.

**Abaruumi 12:1**

*..Kyenvudde mbeegayirira, ab'oluganda, olw'okusaasira kwa Katonda, okuwangayo emibiri gyammwe, ssaddaaka ennamu, entukuvu, esanyusa* Katonda, kwe kuweereza kwammwe okw'amagezi.

Okusinza kwe kwanukulira eri okubeerawo kwa Katonda. Kwe kwanukula kwaffe eri ekyo kye yamala edda okukola era nga si kintu kye tukola okufuna ebirala. Oba, mu ngeri endala, kisoboka kitya kyo okuyitibwa ssaddaaka?

**Matayo 26:7-13**

*omukazi n'ajja gy'ali, eyalina eccupa ey'amafuta ag'omugavu ag'omuwendo omungi ennyo, n'agamufuka ku mutwe, ng'atudde alya. Naye abayigirizwa bwe baalaba, ne banyiiga ne bagamba nti, "Gafudde ki gano? Kubanga gano singa gatundiddwa gandivuddemu ensimbi nnyingi, ne zigabirwa abaavu."* Naye Yesu bwe yategeera

*n'abagamba nti, "Mumunakuwaliza ki omukazi? Kubanga ankoze ekigambo ekirungi. Kubanga abaavu be muli nabo bulijjo; naye nze temuli nange bulijjo. Kubanga bw'afuse amafuta gano ku mubiri gwange, anziraze okunziika. Mazima mbagamba nti Enjiri eno buli gy'eneebuulirwanga mu nsi zonna, n'ekyo omukazi ono ky'akoze kinaayogerwangako okumujjukira."*

Mu buweereza bwa Yesu bwonna ku nsi, Wano we wokka we kyawandiikibwa omuntu okujja gyaali nga aze kumuwa nga tanoonya kufuna kintu kyonna. Nabayigirizwa be abaamuli okumpi tebaategeera kigenda mu maaso.

**Isaaya 62:1,6,7**
*Ku lwa Sayuuni kyendiva nnema okusirika ne ku lwa Yerusaalemi kyendiva nnema okuwummula, okutuusa obutuukirivu bwe lwe bulifuluma ng'okumasamasa, n'obulokozi bwe ng'ettabaaza eyaka. Ntadde abakuumi ku bbugwe wo, ggwe Yerusaalemi; tebalisirika n'akatono emisana n'ekiro; mmwe abajjukiza ba Mukama, temuwummulanga, so temumuganyanga kuwummula, okutuusa lw'alinyweza n'afuula Yerusaalemi okuba ettendo mu nsi.*
Kitaffe agabana naffe ekintu okuva mu ntobo oy'obuntu kwe. Oyinza okutebereza engeri ye jjawulira mu.  (Engerjjawulira) Kirina bwekitukomako mu ngeri yonna? Bwekiba nga nedda, twandiba nga tetumumanyi nga bwetlowoza

Mu maaso g'okweyongera mu bulumbi bw'obwakabaka obw'ekizikiza bwonna, Omubiri gwa abakiriza mu gwanga Lya Isiraeri gwokka tegusobola kujjuza nsi na kusinza nokutendereza okuteekateeka ekkubo lya Mukama. Engeri ya Mukama wamu n'ekifo kusimbibwa okuggyako okuyita mu kulabisibwa okulamu 'okw'omuntu omu omuggya'.

**Abagaalwa, tukimanyi nti Yerusaalemi y'etunuuliddwamu ku lw'olutalo olusembayo era nga kye kigo ekikulu ekisembayo eky'omulabe. Naye, bwe tuba tunoonya obukoddyo bw'olutalo, waliwo amazima ge twetaaga okutunuulira:**

## Yesu wamu ne Galiraaya

Kyali mu 'Galiraaya ekya bannamawanga' mu twaale erya Zebuluuni ne Nafutaali, nti abaatuula mu kizikiza banaalaba ekitangaala ekinene **(Isaaya 9:1-2)**. Yesu yakula era nabeera emyaka asatu e Galiraaya. Abayigirizwa abaasooka baali Bagaliraaya. Ebyamagero ebisinga obungi byasinga kukolebwa Galiraaya.Oluvannyuma lw'okuzuukira, abakazi ku ntaana baagambibwa malayika ne Mukama mwene okugamba abayigirizwa bagende e Galiraaya, eyo gye baalibagenda okumulabira **(Mat 28:7,10)**. Eyo gye yatambulira ku mazzi… gyeyalisiza enkuyanja…. Gye yabuulira enjiri ye ekyasinze obukulu… yeeyo ewali olusozi gye yawaanyisibwa. Okuyita mu Isiraeri yonna, tewali walala wonna emirembe gye we gyasingira okuwulirwa nga e Galiraaya.

# Okulowooza ku nteesateesa eza' wagulu

Ebyawandikibwa bitugamba nti waliwo emitendera ag'amaanyi ag'emwoyo (ebitonde) agatalabika ng'emirimu gyago gikosa obulamu bwaffe obwa bulijjo. Kino nga bwe kiri ekikulu, abakkiriza bangi kya kabi tebalowooleza mu ngeri zino buli kiseera. Emyaka giyiseewo, twawulira essomo….. nga lisukka ku kwolesebwa okw'okubikkulirwa….. nga likwata ku maanyi ag'emwoyo agennaku ezisembayo getunangaanga mu lugendo olwo kumalibwawo kw'entekateeka Za Katonda ate n'okudda kwa Yesu. Okukizuula nti teri ndagiriro nga ya byawandiikibwa okunnyonnyolera ddala ebintu bino, tulinnya mu kisaawe kino nga twesiga Omwoyo okujulira ku nsonga eno.

Okusinziira ku bigambo bya Yesu mu Mat 24, obulimba bugenda kweyongera mu nnaku ezisembayo. Ekisinga okuba ekikema kye kisingira ddala obulimba. Ekyo ekikozesa enono, amazima n'ebyokulabirako okuva mu kigambo kya Katonda n'ebikolwa mu ngeri enkyamu kye kisinga obubi ennyo. Okuyita mu byafaayo, eddiini ekozeseddwa okuziba amaaso, okudyeekadyeeka ate n'okutuulira abantu. Tutegeera kino okuba omulimu ogukoleddwa amaanyi ag'omwoyo ge tuyita 'omwoyo gwe ddiini'. Wansi w'obufuzi buno we wali obukadde bw'emeeme z'abantu ennyingi ezitannyonnyolekeka. Okuwagira endowooza eyawetebwa ku Katonda, esibira abantu okuyita mu malala n'okutya okwongerayo ebigendererwa eby'obwakabaka obw'ekizikiza. Tukkiriza nti ekigo eky'omwoyo guno kiri mu **Yerusaalemi**…. Ekifo awanaabeera olutalo olusemberayo ddala.

Amaanyi agaddiridde wansi wa gano nga gakoma ku bangi, gawagira okugulumiza n'okussukkulumya obw'omuntu. Tumanyi ejjengo lino nga liyitibwa obuntu bulamu oba 'omwoyo ogw'e Kiyonaani'. Ebiri mu bino mulimu okwagala ebintu, okwagala ensi na buli kika eky'okwaaka okwenjawulo. Abasibiddwa mu gwo balabibwa nga be basinga, abagagga, abagezi ennyo ne birala ne birala. Babeera mu bantu. Omwoyo guno guleetera abantu okwewanika nga bwe balinyirira abalala. Tukkiriza nti ekigo kya guno kiri mu Isiraeri ekikyaamya ate nga kizikiriza kiri kati mu matwale ga **Tel Aviv**.

Agasingako obutaba na maanyi naye era nga agasooka ku asatu galumbika ye ddiini ey'obulimba. Abantu abakwatiddwa mu maddiini ag'obulimba baliko kye bafaananya. Bamanyi nti ensi erabikako tebaawo yokka era baggala okumanya ebikwata ky ensi ey'emyoyo. Okutwaliza awamu waliwo okuvuganya kutono mu kibinja kino bwe tukigeraageranya nabiri ebirala ebibiri kubanga essira lyabyo litekebwa ku bulamu obw'omunda wotosobola kupima buwanguzi ng'ogerageranya ku bantu abalala. Bangi ku bano baagala amazima, amaasogaabwe agatanazibibwa nga bazibe eri Yesu nga omulangira w'omubbanga yakikola. Omusana ogw'amazima bwe gujja, bangi abanoonya kino balikyuukira Mukama. Tukitegeera nga ekigo eky'amaanyi gano mu Isiraeri kiri **Galiraaya**.

# Tiberiyo n'ekiwoonvu Ekyamaanyi

Nga tutunuulira enkola zino ez'omwoyo eze'Galiraaya, okukwatagana okumu mangu kulabikiraawo. Haifa we Eriya weyamegganira ne bannabbi ab'obulimba aba Bayaali era nga ky'ekitebe ekikulu eky'aba Bahai. Tsfat (oba safed) kye kitebe kye nsi yonna ekya Kabala…… engeri y'eKiyudaaya ey'obulogo obw'eKiyudaaya nga kikoma ne ku batali Bayudaaya bangi. Bangi ku bakkiriza bannamawanga bakwasaganya Tiberiyo ne nnyanja ey'eGaliraaya ne byamagero Yesu bye yakolera mu buweereza bwe nga akyali ku nsi. Naye eri Abayudaaya Abasodokisi, Tiberiyo kye kyokubiri mu mugaso kyokka eri Yerusaalemi. **Buli mwaka enkumi n'enkumi z'abantu bajja okulamaga okusinziza n'okusabira ku malaalo ga ba Rabbi abatutumufu naye nga baafa. Kino si kitono.**

Obuyudaaya obw'ekisodokisi bwesigamizibwa ku Torati (ebitabo ebitaano ebisooka) ne Talmud. Talmud kye kiringa ennukuta mu ndowooza eyaaba Rabbi (abasomesa), bye bakubaganyako ebirowoozo, enfumo (engero) ezikirina ku mitima ng'eteeka eryogerwa lye bakkiriza eryaweebwa Katonda lye yawa Musa wamu ne Torah (ebitabo ebitaano ebisooka). Enkola ey'obusodokisi obw'ekiyudaaya, obudde bungi babumala mu kusoma Talmud okusinga Torah. Barabbi basatu abasinga okwesigamizibwako entandikwa y'Obusodokisi obw'ekiyudaaya bonna baaziikibwa Tiberiyo. Maimodes (atera okuyitibwa Rambam) bateeka ennukuta ku teeka ery'ekiyudaaya ne njigiriza mu Mishna (ekitundutundu ku Malmud). Rabbi Akiva yawagira okwegugunga kw'abayudaaya okw'okubiri nga bawakanya Abaruumi nalangirira Shimon Bar-Kochba nti ye masiya, ekyaleteera Abayudaaya abaali bakkiririza mu Yesu nga Masiya okweyawula kubalala. Yali kitundutundu ku kakiiko akavunaanyizibwa okugyawo mu Mishna byonna ebyali bisonga ku Yesu. Era n'ebyamagero ebyakolebwa mu Mishna baabiwa Rabbi Meir Ba'al Haness nti ye yabikola.

Obuyudaaya bwokka obwa Baibulibwe bwe busimba omusingi ogw'Endagaano Empya (Laba Yer 31:13). **Okukyuka kuno okuva ku Torah okudda ku Talmud, kwasengula Obuyudaaya okubuggya ku Kigambo kya Katonda okubuzza ku kigambo ky'omuntu, kyatondaawo eddiini ey'obulimba.** Waliwo bingi eby'okwogera ku nkola ez'omunda ku kino, naye tusuubira osobola okufuna omutima eri kye tugezaako okwanjuluza. Kubanga kitandika na Torah ate ne kivaako mu lukujjukujju, ensobi yabulimba nnyo.

Ekiwoonvu eky'amaanyi lwe lukoba olwawula buvanyuba ku bugwanjuba. Bwoba ng'osobola kye kifo kyennyini ekyobuliwo nge ekifo awayuunga olutalo wakati w'abaana ' Sayuuni n'abaana ba Bayonaani (Zek 9:13). Kitwaaliramu n'ekiwonvu kye Yoludaani…. Ekiwonvu abantu mwebabresa ekisingamu okubeera ekyawansi ku lukalu lw'ensi Yonna… era nga kiyittira ddala mu masekkati g'eTiberiyo. **Talmud, eyasa endowooza ey'eKiyonaani oba endowooza ey'obuntu ku mutima**

**gw’o Buyudaaya, kirina ekyoto kyakyo ekikulu mu Tiberiyo. Kikulu nnyo nti okubeerawo kwa Mukama kirina ekifo ekituufu mu kibuga kino eky’edda.**

## Akatimba ak’okusinza e Galiraaya

Katonda bwe yatuyita E Galiraaya, yakiteeka ku mitima gyaffe omugugu ogw’okukola akatimba akayunga abasinza mu mambuka ga Isiraeri. Bwe twatandika okugabana okwolesebwa kuno, twakizuula nti mu bifo eby’enjawulo ne mu nkungaana ez’enjawulo, abalala baali bawulira kye kimu. Eky’amazima enkungaana ez’ebitundu zaali zatandika okubeerawo. Kuno okuyitibwa kusukka ku kuyimba obuyimbi, kusukka ku kwolesa ebika by’okusinza eby’enjawulo, kusukka ku bulamu bwaffe nga abasinza basekinoomu ate n’okusukka ku nsalo ze bibiina byaffe. Tukiwulira munda muffe nti omubiri gwa Kristo gwetaaga okujja awamu mu bumu obw’amazima, nga buli omu yeetegekedde ddala okuwulira n’okugoberera okukulemberwa okw’Omwoyo Omutukuvu. Nga tutta engeri ey’edda gye tumanyidde ey’omusinza omu okutukulembera, Tetwagala kavuyo, wabula okusumululwa okw’Omwoyo okuteekerateekera Mukama ekkubo mu mazima. Mu buliwo abakulembeze bangi ab’okusinza nga bakiikirira obuweereza obulala bungi obuwerako okusingira ddala nga bava mu kitundu eky’e Tiberiyo ne kiwonvu ky’eYoludaani bakungaana bulijjo okulindirira Mukama nga tewali agenda oba kilubirirwa oba nga tewaliwo ateekeddwawo okukulembera nga wankalakkalira. Mu ngeri ennyangu twewaayo bweewi eri Mukama ne tumuganya atutwale gyaba ayagadde. Kisoboka okuba nti kirina kye kiri mu kutandika Mukama kyayayaanira okwekubisaamu okusasaanira ensi yonna.

Ffe (Arni ne Yonit), twadda e Isiraeri mu 1992 nga tuva mu kibuga kye New York. Okumala emyaka egiyise, ebintu bye tukoze n'ebifo gye tubaddeko, okusingira ddala bwe twadda e Isiraeri, tekyali mu ntekateeka zaffe nga bwe twali tuzifunye, naye mu kugondera ebyo Omwoyo Omutukuvu bye yatubikkulira. Omugaso gw’okuwandiika kwaffe tekuli nti tuyita abantu okuyimirira naffe nga ffe naye okugabana kye tulaba ng’okutegeera okukulu ate n’okutegeera enteekateeka n’okulaba okwetagisa okuteekerateekera Mukama ekkubo. Ssuubi lyaffe wamu n’okusaba nti okuwandiika kuno kujja kukoma ku mitima ate kutangaaze endowooza eri aboluganda mu mawanga, nga batwegaseeko wamu ng’omu mu lutalo luno olunene olusembayo olunavamu okubikkulirwa kw’omutima gwa Kitaffe.

Ebiwandiiko ebirala wamu n’ebirowoozo ebikwata ku bino osobola okubisanga ku; www.emmausway.org

Okutuwandiikira oba olina byoteesa oba kibuuzo, tuwandiikire ku;
arni@emmausway.org